

»Okutabika n’ebirime ebirala«

Awatali ndabirila nnungi, amakungula g’ennanansi gagenda gakendeera buli kadde. Mukatambi kano, Tulaba engeri gyetusobola okukungula ekinene munnimiro zaffe mu bbanga lyamvaka 6.

Ennanansi zikula bulungi ku ttaka eririna ebirimusa eby’obutonde. Ebirimusa eby’obutonde biyinza okuba bivudde mu bukuta bw’emmwani oba kalimbwe w’enkoko. Obukuta bw’emmwani bufulumya ekiriisa mpola naye nga kirwawo bw’ogerageranya ne kalimbwe wenkoko. Bwomala okussaamu ebirimusa bino, ssaako ettaka naye teweyambisa kalimbwe wenkoko bwegaba nga amakungula gatundibwa mu katale akaagala ebikunguddwa ebikulidde ku butonde. Osobola okutabika munnanansi ebirime ebigata nitrogen muttaka kubanga byongera obugimu muttaka, biwa omulimi emmere, bikendeesa cummera y’omuddo ate nga bireeta enssimbi ng’omulimi tannakungula nnanansi. Bwomala okukungula weyambise ebisunku byebijanjaalo okubikka ennimiro.

Engeri entuufu ey’okutabika

Ssimba ennanansi nga wetooloza akaserengeo mu nnyiriri bbiri bbiri mu mabanga ga sentimita 30-50 wakati. Lekawo mita 1 – 1.5 okuva ku nnyiriri ebbili ezimu okudda kundala osimbemu ebirime ebigatta nitrogen muttaka. Oluvanyuma lw’emyezi esatu, ssaako obusa, nakavundira oba ebikuta by’emwanyi wakati mu layini zennanansi, obikkeko era osimbemu ebitooke oba emitie gigatta nitrogen muttaka gisobole okuwa ekisiikirize.

Ssalira ebirime ebiwa ennanansi ebisiikirize okwewala ebisiikirize ebiyitiridde.